# OBWESIGWA BWA KATONDA OKUTUUKIRIZA EBISUUBIZO BYE.

## Olubereberye 20.

**Vs1-2** Ibulayimu ng'amaze okulaba okusaanawo kwa Sodoma ne Gomola, ya yolekela ensi y'abafirisuuti eyali efugibwa kabaka Abimereki.

Olw'okweraliikirira okuttibwa Abafirisuuti, Ibulayimu yasalawo okulimba nga enkola ye eyedda bweyali gamba nga mu ssuula eya 12:10-20 bwe yali e Misisri naasalawo okusaba Saala ayanjulibwe nga mwannyina olwo asobole okutaasa obulamu bwe.
Buli omu yandilowoozezza nti kumulundi ogwasooka nga bali e Misiri ababiri bano (Ibulayimu ne Saala) baali tebannanywezebwa mu ku kikkiriza Katonda era nga baali bakyezimbako olukomera mu maanyi gaabwe naye nga oluvannyuma lw'okulaba Katonda byeyakola mu bulamu bwabwe baali bakyasobola okumwesiga ku nsonga yonna.

Guno si bwegwali kubanga tula Ibulayimu ng'addayo mu bukodyo bwe obwedda obw'okulimba yeetaase nga yeelabidde obunene n'obusobozi bwa Katonda okumukuuma.

**Vs3-7** Katonda akyawa ekibi era wano yategeeza Abimereki nti yali waakufa singa tazzaayo Saala kubanga yali muka Ibulayimu.

Katonda ayongera okwolesa ekisaakye ng' ayita mu bantu abatatuukiridde. Omusango gwali gwa Ibulayimu wamu ne Saala naye Katonda yavaayo okubalwanira newankubnadde nga baali bamaze okwonoona era nga tebamwesiga ku bakuuma.
Mu nnyiriri zino mwetusooka okulabira ekigambo nabbi era nga Katonda yennyini yaamweyanjulira ne wankubadde nga yali aklimbye Abimereki ebikwata ku mukyakla we.

Ibulayimu eyali agambiddwa mu ssuula eya 17 okutambula ne Mukama alema kubaako kyakunenyezebwa akyalwanagana n'omuntu we owedda era

nga ono akyalabikako mu biseera ebimu gamba nga mu biseera eby'okweraliikirira.

A) **Ebeera z'okweraliikirira zituleetera obuteesiga Katonda era era nga kino kireeta n'ebibi byetwali twaleka edda okugolokoka; gamba nga obulimba, obukumpanya n'ebiringa ebyo**.

Ekikibi kyetuwangula tulina okusa Katonda okutuwa amaanyi okukiwangulira ddala wamu n'embeera ezituleetera ekibi bulijjo.
Ekibi tekirina nagwano era nga bwe kyali ku mulembe gwa Adamu, Eva, Ibulayimu, Dawudi era bwekikyali wabula nga ku mulundi guno kyongedde okukula n'emitindo gy'ebintu gamba nga essimu, n'ebirala.

Emirundi egimu tusaba Katonda yeerage okuyita mu mbeera zaffe abatwetoolodde bamulabe naye ng'ayinza nnyo era okweraga ne wetutandyagalidde bantu balala kutegeera nti tuli baweerezaabe gamba nga mumbeera Ibulayimu gyeyali ey'okwanjulwa nga nabbi naye nga amaze okulimba.
**Vs8-10** Abimereki nga bwe kitulagibwa mu nnyiriri 5-6 nti okutwala Saala yakikola mu mutima mutuukirivu tekitegeeza nti yali atuukiridde mu maaso ga Katonda wabula yakyogera okusinziira ku kutegera kw'ensi.
Wano mu nnyiriri 8-10 ategeeza Ibulayiomu nti yeyali amuleetedde ekibi ekinene wamu n'obwakabaka bwe bwonna.
Era tulaba Katonda ng'akozesa Abimereki okunenya nabbi Ibulayimu nga bwe yakozesa Nasani okunenya Dawudi mu **II Samwiri 12**, Samwiri okunenya Sawulo mu **ISamwiri 2.**

B) Wano naffe tukubirizibwa okuwabula era n'okunenya bannaffe ababa bakyamye.

- **2Timothy 4:2 ''Buuliranga ekigambo kya Katonda, ng'oli mwetegefu mu kiseera ekituufu, n'olaga ebikwekeddwa, ng'onenya, ng'ozaamu amaanyi, wakati mu kugumiikiriza.''**

- **Abaefeso 5:11 ''Temwenygira nga mu bikolwa byakizikiza kubanga tebigasa wabula munenye nga ababikola.''**

- **Abaebulaniya 12:5-7 '' Mwerabidde ebigambo ebizzaamu amaanyi byayogera nammwe nga abaana be? Agamba nti ' Mwana wange, tonyooma nga kukangavvulwa kwa Mukama, so toggwangamu maanyi ng'akunenyezza. Kubanga Mukama bw'ayagala amukangavvula, Era abonereza buli gwayita omwana we'. N'olwekyo mugumiikirize okukangavvulwa, kubanga Katonda abakangavvula ng'abaana be. Mwana ki kitaawe gw'atakangavvula?"**

**Vs11**-13 Ibulayimu yeewolereza mukifo ky'okwenenyeza Abimereki.
**Wano** ku ntandikwa nga eyeesiga Katonda yandyeyanjudde nga omuweereza wa Katonda era naayogera n'ebyo Katonda byakoze naaleka Katonda akole ebiddako. Naye embeera y'okutya yamwelabiza Katonda.

**Kituufu Saala yali m**uwala wa kitaawe wa Ibulayimu omuto (kojja) naye eky'okuba mukyala we teyakyogera.

Yayogerako amazima gaakitundu. Tukimanyi nti amzima ag'ekityundu buba bulimba obulamba.

**Vs14-18** Mundaba ey'obuntu Ibulayimu yeyalina okuwaayo endiga n'ente ng'asasulira ekibiikye naye ate Abimereki yeyawaayo era n'awaayo ne ffeeza okubikka ku buswavu bwa Saala.

**C) Olw'obwesigwa bwe, Katonda yasigala nga akyayimiridde ku kisuubizo ky'okufuula Ibulayimu eggwanga eddene era newankubadde nga Ibulayimu yasobya mu maaso ga Katonda, Katonda yasigala mwesigwa okutuukiriza ekisuubizo kye n'okwoleka obw'esigwa bwe.**

**D) Newankubadde nga Ibulayimu abalibwa nga jjajja w'abakkiriza naye nga bwetulabye yalina obunafu bwe ng'omuntu yenna.**

Omuntu yena asobola okulemererwa naye tulina Kabaka ow'ekitiibwa atalemelerwa kintu kyonna nti ne kumusaalaba teyatwegaana era tasobola ku twegaana.

**Agamba ne leero nti ''Totya. Nze Owoolobebereberye era Owenkomerero, era omulamu. Nnali nfudde naye kaakano ndi mulamu emirembe gyonna, era nnina ebisumuluzo eby'okufa n'amagombe.'' Okubikkulirwa 1:7-8**

Tulina kusigala nga twesiga Katonda kubanga teri bulokozi walala.

Era tumanye nti Katonda mwesigwa nnyo okutuukiriza ebisuubizo bye nga asinziira ku bwesigwa bwe okukola so si kubwesigwa bwaffe newankubadde nga kitugwanidde okusigala nga tumwegayirira atunyweze mu bwesigwa.